# ALIPOOTA ERAGA EMITENDERA GY`OKUMALAWO OKWEMULUGUNNYA– UGANDA BIDCO-03/ KALANGALA

*Alipoota eno eraga emitendera CAO gyeyitamu okugonjoola ensonga eyekuusa kupulojekiti ya (#33385) mu Yuganda.*

---

## EBYAFAAYO BYA PULOJEKITI

IFC erina pulojekiti gy`ekola ne kampuni ya Bidco Africa Limited, nga eno ye kampuni y`obwananyini eye Kenya ekola efuna ensimbi mu kuttunda butto aliibwa, omuzigo, ebizigo by`okwekolako, sabuni ayoza, sabuni w`obuwunga wamu n`owamazzi, emmere y`ebisolo wamu ne bekingi.

Kampuni ya IFC esiga ensimbi mu kampuni ya Bidco Africa Limited nga yagiwola obukadde bwa miliyoni za doola 23 (US$23million). Kuno gatako nensimbi ezikunnukiriza mu doola obukadde 13.5 nga zino zawolebwa kampuni eno okuyambako mu kuzimba era n`okugaziya ekolero lya Bidco mu kitundu kya Thika wamu n`okuzimba ekolero epya nga likola byakunywa mu Tatu mu kibuga kye Kenya. Era eno pulojekiti yonna yakuwementa miliyoni za doola 46.

### Eyemulugunnya

Mu janwali w`omwaka 2017, CAO yafuna okwemulugunnya nga kwekuusa kunkola y`emirimu gy`ekitongole kya Bidco Africa Limited mu Yuganda nga okwemulugunnya kuno kwava ku ttabi lyayo erya Oil Palm Uganda Ltd (OPUL). Kuno kwekwemulugunya okwokusatu okutwalibwa ewa CAO nga kukwata ku BIDCO Africa Limited. Okwemulugunnya kuno kwatekebwayo ekitongole ki National Association of Professional Environmentalists (NAPE), era nga kino kye kyakirira abalimi abenjawulo 38 abeegatira mu Bugala Farmers Association ekisangibwa mu bizinga bye Kalangala (abeemulugunya). NAPE yategeeza nti walilwo enkolagana wakati wa bateekamu IFC abasiga ensimbi mu pulojeti, BIDCO Africa Limited, BIDICO Uganda wamu ne OPUL Uganda (nga kino kiyitibwa BIDCO oba kampuni). BIDCO Africa Limited yesinga okuba n`emigabo eminene mu BIDICO Uganda nga eno erina ebitundu 90 ku buli kikumi epya OPUL.

NAPE yayongera maaso n`eraga nti BIDICO Africa Limited yayagala okukozesa ebisogodwa ne OPUL mu mirimu gyayo e Kenya.

Mukwemulugunya abeemulugunya bagamba nti nti kampuni ya Bidco yasaanyawo ekibira nga kino kyalikituddе ku bugazi bwa eka18,000 nebakitwala nga tebasasudde abakibaddeko nga baagala kulimako ennimiro z`ebinazi. Okutwala ettaka kyateeka wo embeera ya`abalimi okugenda

mu bintu ebirala nga tebalina busobozi bwonna okwebeezawo ne famile zaabwe. Ekitongole ekyemulugunnya kyalaga enderi obutonde gyebwayonoonerwamu okulimmamu ebinazi era n`embeera abakozi ba kampuni ya Bidco gyebayisibwamu.

Obulambulukufu bw`okwemulugunnya kuno ogenda kubusanga kumukutu gwa CAO: www.cao-ombudsman.org.

**Okunoonyereza kwa CAO**

CAO yasanga okwemulugunya kuno nga kusanidde mu mwezi gw`okubiri mu 2017 era nekomekereza okunoonyereza kunsonga ezaalimu mu mwezi gw`omukaaga mu 2017. Okunoonyereza kwa CAO kwalimu n`okwekeneenya ebiwandiiko ebyenjawulo ebikwata ku pulojekiti eno, kuno saako n`okwebuuza ku bantu abenjawulo, abamu beebuzibwangako nga bakozesa amasimu wamu n`okukuba enkungaana ezenjawulo nga zino zeegatiddemu abavunnanyizibwa ku pulojekiti eno (abeemulugunnya; Bidco ne OPUL; gavumenti ya Yuganda; ebibiina eby`obwanakyewa wamu n`abatuuze b`okukitundu); omulimu guno gwaliko n`okukyala kupulojekiti yennyini mu mwezi gw`okusatu nga 24 ne 31, 2017. Mukiseera ky`okunoonyereza, abeemulugunya wamu ne kampuni bakiriza nga beeyagalidde okwenyigira mukumalawo obutakkanya nga bayambibwako CAO.

Enjuuyi zonna zaategeeza CAO kumusango oguli mu kooti e e Masaka nga gukwata ku nsonga zezimu. Baategeza kooti ku mutendera CAO gyegenda okuyitamu okumalawo obutakkanya era nebasaba kooti ebawe obudde bageze ko okumaliriza zino ensonga mu buntu.

Kooti yawulira okusaba kwabwe.

**Emitendera egyasooka okuteekebwa wo mu kugonjoola ensonga.**



*Abeemulugunya, abakiise mu gavummenti wamu n`abakikiridde bannanyini ttaka.*

CAO yatuuza olukungaana olwawamu mu mwezi gw`omusanvu mu omwaka gwa 2017 era nga luno lwelukungaana olwasooka. Wano enjuyyi zombi zonna mu lukiiko luno zakkannya ku bintu ebyenjawulo era nga bino ebyatuukibwako bisuubirwa okugonjoola okwemulugunnya kuno. Mu lukungaana luno ejuyi zonna zalondobayo ensonga enkulu bbiri ezisobola okuyamba mu kugonjoola okwemulugunnya kuno:

1. Okuliyirira abagibwako ettaka
2. Okugonjoola okuliyira ebintu ebisuka kwebyo ebisaanidde okuddiza abeemulugunnya.

Ensonga endala ezaawebwa mu kwemulugunya okwasooka nemukunoonyereza kukwemulugunya kuno nga kwekuusa kukwonoona obutonde bwensi wamu n`embeera y`abakozi mu kampuni ya Bidco byakkanyizibwako era ensonga zino

baasalawo okuzireka kuba baalaba nga si nsonga nkulu.

Entesegannya nga tezinaba kutandika, abeemulugunnya baalonda abantu mukaaga abanabakirira mu mitendera gyonna nga bali mukuteesa. Era mwabo abalondebwa mwalimu abasajja banna nabakyala babiri. Kyakannyizibwako nti NAPE ejja kwennyigira mu nsonga zino nga ewabula abeemulugunnya. Kampuni yalondo abo abanagikikirira mu mitendera gonna.

Gavumenti ya Yuganda wamu nennanyini ttaka erikayyanirwa bonna beenyigira mu kugonjoola ensonga zino mu mitendera gyonna.
Gavumenti yeyalina obuvunnanyizibwa okufuna ettaka okuva ku nanyini ttaka olwo ettaka eritalina kizibu kyona eriwe kampuni ya BIDCO okulimirako ebinazi byabwe.

Okulabirira omulimu ogugenda mumaaso gwawebwa abaakikirira ekkibiina ekigatta ebibiina by`obwannakyewa ekya National NGO Forum era nga kino kitongole kyetongode okuva ku bibiina by`obwannakyewa mu Uganda.

Mukawefube owokuteekawo embeera ennungamu mukumalawo obutakkannya buno, yafeesi ya CAO yassawo omusomo okusomesa abo abeemulugunya wamu n`abakiise baabwe, kuno kwosa ne kampuni ya Bidco, nnanyini ttaka n`abamu ku bakiise okuva mu gavumenti yaYuganda.

Okusomesa kwagenderamu okubabangula ku biki ebirina okukolebwa mu kugonjoola ensonga, obuvunanyizibwa bwa buli ludda mukugonjoola ensonga, biki ebirina okwogerwa wamu n`obukodyo bw`okuteeseganya.

## EMITENDERA EGYAYITWAMU MU KUGONJOOLA ENSONGA/ OKUMALAWO OBUTAKKANYA

Emitendera gy`okumalawo obutakkanya gyatandika mu mwezi gwamusanvu. Okuteesa mu nkugaana zino kwakolebwa nga mu lulimi lungereza wamu n`oluganda okusobola okuwa omwaganya abeemulugunya wamu naaba kampuni ya BIDCO okuggusa ensonga yabwe mu lulimi lwebategeera.

Mu mwezi gw`omunaana ennaku z`omwezi 25, omwaka 2017, nga enkungaana ezawamu ezawomwamu omutwe yafeesi ya CAO zaakaggwa, enjuuyizonna, zaatuuka kukyenkomerede kunsonga ezaali yemulugunyizibwako. Yafeesi ya CAO yali nsaale mu kuwa obuyambi bwonna mu kiseera ky`okukkanya okulaba nga enjuuyi zonna zifuna okuyambibwa okusinzira kwebyo bye banatuukako.

Buli luyi lwonna lwebuuza ku bantu baalwo abenjawulo nga tebanaba kusalawo kukisembayo wamu nekukyebalina okuweebwa. Era yafeesi ya CAO yasisinkana abakiise n`abo bebakikirira nga tebanaba kussa mukono ku ndagaano okulaba nga buli luyi lwonna lutegeera byebatuuseeko. Ekiwandiiko ekyasooka okukolebwa okukola nga endagaano yakyusibwa mu luganda lunyiriri ku lunyiriri okulaba nga abakiise bonna omukaaga (6) wamu n`abeemulugunya bategeera endagano

eno bulungi nga tebanaba ku gissaako mukono.



*Olukungaana lwa yafeesi ya CAO wamu n`abeemulugunya okusobola okwekkenenya obukwakulizo obwateekebwa mundagano.*

**Ebyavaamu**

Kwebyo byonna ebyava mu nteeseganya, enjuuyi zonna zakkanya kubino wamanga;

**Okuliyirira**

Abantu 36 ku bantu 38 abeekibiina kya BFA bajjakusasulibwa olw`okugibwako ettaka gavumenti lyeyawa kampuni ya Bidco okusimbako amasamba g`ebinazi bya butto. Ababiri (2) kwabo asatu mu omunaana (38) baali tebakyalabikako era nga tebakyawulizikika. Kyasalibwa wo nti aba BFA bafune omutemwa okuva eri nannanyini ttaka nga beegatidwako kampuni era omutemwa guno bakkugugabanyamu abeemulungunya nga basinzira ku ngabanya bo gyebasalawo. Okukirizigannya okkwamannyi nga kuwedde, enjuyi zonna zakannya omutemwa ogulina okuweebwa buli muntu. Abeemulugnya baakubagannya ebirowoozo era n`okwebuuza oba nga engeri gyebakkanya mu okugabanya ensimbi era n`omutemwa buli muntu kyalina okufuna. Mu kiseera nga bakola okwebuuza ko kuno eri abantu abaalina okuliyirirwa, omuntu omu yekka ku bantu 36 yataasanyukira muwendo ogwasalibwa wo okubawa wamu nengeeri gyebaalina okuusasulwamu. Naye kubanga abangi kubo baasanyukira ekyo ekyalina okubawebwa n`abo abaali beemulugunya bakiriza ekyabasasulwa. Abeemulugunya bakkanya nti abo abaali basasulidwa ko mu kusooka, ekyo kyebabawa tekijja kutunnulirwa nga basasulibwa kati.

- **Okuwa abalimi empapula eziraga okukyusa obwananyini kku ttaka**

Kyakkanyizibwako nti abalimi abaali balekedwa ku kitundu kyettaka ekikayanira, baweebwe empapula ezikyusa obwananyini kuttaka okwo kwebaali balekeddwa. Era mu nsonga eno, ettaka lino lijja kupuntibwa era empapula zikyusibwe abantu okubawa obwannanyini. Gavumenti yeebitundu yeewayo okuwoma omutwe mumulimu gw`okupunta wamu n`okuwa abalimi epyapa bye ttaka.

- **Okugonjoola ensonga ezenjawulo**

Enjuyi zonna zakkanya kubalimi 36 nti beebali basanidde okuliyirirwa. Abo abeemulugunya naye nga teebali kukwemulugunya kuno ate nga baali baasasulibwako gavumenti olw`okugibwako ettaka tebalina ku liyirirwa okusinzira kundagaano eyakolebwa.



*Abakiise ba BFA nga bateeka omukono ku ndagaano.*



*Abakiise ba kampuni nga bateeka omukono ku ndagaano*

**Okulondoola entambula y`emirimu wamu n`okukomekereza omulimu**

Enjuuyi zonna bwezatuuka ku nzikiriziganya, yafeesi ya CAO ekola kuby`okumalawo obutakkanya yatandika okulondoola entambula y`omulimu guno okusinzira ku biseera ebye bakkanyizibwako okukoleramu omulimu guno. (Laba ekiwandiiko ekiteekedwa kumuko 1).

Ng`ebimu kubyakkanyizibwako enjuuyi zonna, enjuyi zakkanya nti yafesi ya CAO ekola ku by`okugonjoola ensonga oba obutakkanya ejja kutwala omulimu gw`okulondoola era n`okussa munkola ebyakkanyizibwako nga kino kyalina okubawo mubbanga lyamyezi mitono. Yafesi ya CAO yali ya kutegeka olukungaana okubuulira ko ebitonotono kubivudde mu mulimu gw`okussa mu nkola ebyakkanyizibwako era n`okusala amagezi okugonjoola ebigaanye okutuukiriza. Era kyakkanyizibwako nti yafeesi ya CAO eritegeka olukungaana olwolunaku olumu okukubaganya ebirowoozo kubiki byebayize wamu nebibasomoozeza munteseganya.

Mumwezi gw`ekkumi oku nga 1-6, 2017 CAO yakyala ko mu bitundu ebyenjawulo okusobola okutuukiriza omulimu wamu n`okukomekereza ebyo byebakkanyako okuteeka munkola. Mukukyala kwa CAO enjuyi zona zaali zitadde munkola ebintu byonna byali bikoleddwa nga bwebyalambikibwa mu kiwandiiko ekyakokerwako “annex 1”. Kyoka abantu 15 ku bantu 36 aba BFA baalaga obutali bumativu ku nsimbi/omutemwa ogwabawebwa nga okubaliyirira wadde nga zezaali zikkkanyizidwako. Era abamu ku bano baagana n`okutwala empapula ezikyusa obwannanini ezaali zibaweredwa nanyini ttakka.

CAO yagezaako okudamu okwogerezegannya nenjuyi zonna ku nsonga nomutemwa ogwabawebwa nga okubaliyirira. Kyoka ye nanyini ttaka wamu ne kampuni eby`okudamu okwogerezegannya n`abantu bano teyayagala kukyenyigiramu kubanga baali batute ebiseera biwanvu mu kwogerezegannya nabemulugunya wamu nabawabuzi oba bamagezi baabwe nga tebanaba nakukola endagaano.

Kunkomerero y`okusisinkana abantu ba BFA mu bitundu, banna BFA 8 kwabo 36 abaali

beemulugunnya baasalawo obuteyongera mu maaso n`ebyo ebyassibwa mundagaano gyyebakkola kyoka nebasigala nga baterese ensimbi ezaali zibaweredwa nebasalawo okweyongera mu kooti. Tewali munna BFA ku bantu 8 eyalaga obutali bumativu bwabwe mu kiseera ky`okukola endagaano paka mu kiseera eky`okusasulibwa. Abalala abeemulugunyya 28 baamaliriza ensonga zaabwe ne nanyini ttaka, gavumenti wamu ne kampuni. kuno saako n`okutereza banka akawunti ezaalina obuzibu n`okutema empenda engeri gyebagenda okukolagana mu ne kampuni emirimu egibakulakulanya mu kitundu. Era enjuyi zaasaba omulimu gwa CAO okusigala nga gukyagenda ko mu maaso okutunnulira eby`okuyiga n`okwekenenya ensonga lwaki aba BFA 8 tebasobola kukkanya n`abyali bikiriziganyizidwako mu ndagaano.



*Okukubaganya ebirowoozo wakati w`enjuuyi zombi okusobola okwongera okuteesa nga endagaano ya kateekebwako omukono.*

Mu mwezi gw`ekumi n`ebiri omwaka 2017, CAO yakomawo okumaliriza omulimu. Kyoka era endowooza ya banna BFA 8 yali tekunakyuka. Bakisalawo nti baalina okweyongera yo mu kooti naye nga ate nga tebakkanya nakkya kuzza nsimbi ezabawebwa okusinzira nga bwekyali mundagaano. Nanyini ttakka wamu ne kampuni baali bamativu nti baali batuukkiriza obuvunanyizibwa bwabwe okkusinzira kundagano gyebakola era baalaga nti baali beetegefu okukolagana ne banna BFA 28 okutumbula ebyenfuna nenkulakulana mu kitundu kyabwe. Mu bimu byebasalawo okuyamba banna BFA mwalimu okubawa basale, okufuna obujanjabi mu malwaliro gaabwe wamu n`okusomesa abalimi ennima ey`omutindo.

Banna BFA 28 batwala akaseera okukubagannya ebirowoozo okulaba engeri ki gyebayinza okolagana obulungi ne kampuni okulaba nga beeyongera yo mu maaso. Era wano balonda abo abanabakikirira abanabeera nga bogerezegannya ne kampuni. Naye baalaga essuubi nti ne banna BFA 8 bajja kukyusa endowooza yabwe basobole okukulakulanya kizinga.

## EBIZIBU WAMU N`EBY`OKUYIGA

Nga ogumu ku mitendera gy`okugalawo olukungaana, yafeesi ya CAO yasaba ebirowoozo ku bizibu wamu n`ebyokuyiga okuva ku njuuyi zombi ezennyigira mu kugonjoola ensonga eno.

Waaliwo okulaga embeera ezenjawulo okuva mu njuyi zona nti bayiga bingi nnyo okuva mumitendera CAO gye bayisamu. Wadde nga abamu ku baleeta okwemulugunnya baali sibamativu kubyava mu mulimu guno naye baalaga nga waaliwo kinene ekyakyuka kulwe emitendera gyebaitamu.

### *Ebizibu ebyanokolwayo enjuuyi zombi*

- Abeemulugunnya beekutula mu ebiwayi ebyenjawulo kubanga

ebigendererwa byabwe byali byanjawulo okuva muntandikwa.

- Waaliwo abo abaakumanga omuliro mu bantu okuva mu bitundu ebyenjawulo nga bagala okulemmesa okumalawo obutakkanya.
- Waaliwo obuteesigangana wakati wabeemulugunnya wamu ne kampuni
- Enjuuyi zonna zaali ziteesaganya mu mutima mubi
- Abamu ku beemulugunya tebaalina bwesigwa mu mitendera gya CAO



*Mwami David Balironda okuva ku disitulikiti ya Kalangala nga awa eby`okuyiga okuva mumulimu guno: "omutendera oguyitidwamu okugonjoola ensonga zino guyambye gavumenti okuyiga engeri gyebanakolaganamu n`abantu mu byalo."*

### *Eby`okuyiga ebyanokolwayo enjuuyi zonna*

Enjuyi zona zaalaga nti okusomesebwa kwebafunye mu mitendera gy`enteseganya gyabayamba nnyo okumalawo obutakanya munsonga zaabwe. Baalaga nti emitendera gyenteseganya gyabayambako okulaba nga munteseganya omuntu yeteeka mubigere byoli okulaba nga buli nsonga ya muntu ekolebwako era eteekamu ekkitiibwa.

Enjuyi zaategeeza nti ebyo bye bayiga tebyakoma ku bitongole byokka naye nekumuntu sekino omu. Waaliwo n`ekyokuyiga nti oluyi terulina kuba lukyamu okumalawo obuttakanya kyoka okwenyigira mu kugonjoola ensonga era nti obuguminkiriza buleeta ebirungi bingi bwoba nga okolagana n`abantu.

- Waaliwo n`okutegeera okulala nti abantu bafulumya obubaka obwenjjawulo nga bayita mu miikutu egyenjawulo era mu kino bayinza obutatuuka kweko kebagala okutuukako ku saawa nga yemu. Okwongereza ku kino, enjuyi ezitesegana nebwebaba ku luda lumu babeera n`endowooza ya njawulo. Basobola okuba n`okufundikira kwensonga mungeri eyenjawulo wade nga bali ku mulamwa gwegumu era bakyusa ebirowoozo byabwe nga bamaze okutuukiriza endagaano. Naye tewali gwebakkaka ku kiriza ebyo byebatakiriza, era sente si zezimalawo buli kizibu kyonna.
- Enjuyi zona zategeeza nti emitendera egyaitwamu gyavamu ebirungi; muno mwe muli okukendeeza obutayagala kampuni wamu ne pulojekiti ya Oil, abeemulugunya era bategeeza nti kati okutuukirira kampuni kwangu okuva enteseganya bwezatandika era emitendera egyayitwamu okugonjoola ensonga jajayo amazima negareterwa mu lwattu.

### Okuwumbawumba

Mukuwumbawumba emitendera CAO gyeyayitamu mu mwezi gw`ekumi n`ebiri mu mwaka 2017, Bidco ne banna BFA 28, bakkanya okusisinkana mu mwezi gwa janwali w`omwaka 2018 okusobola okutandika kunkulakulana ey`omugundu. Banakibiina kya BFA omunaana (8) baalaga nga bajja kweyongerayo mu mbuga zaamateeka mu mwezi gw`okubiri mu mwaka 2018.

Alipoota ewumbawumba emitendera gy`okuteeseganya yasaasanyizibwa mu njuyi

zonna nekigendererwa eky`okugyekenenya okulaba oba ebiwandiikidwa byebo. Wabula banna BFA 8 bo baagana okkwenyigira mu kwekenenya alipoota eno. Naye enjuyi zonna zekkenenya era ebyo byebaali bagala bongeremu nabyo baabyongera mu alipoota.

***ANNEX 1: Ebiseera ebiraga okuteeka mu nkola ebyakkanyizibwako.***

| **Ebirina okukolebwa** | **Obudde** | **Avunnanyizibwako** | **Okunyonyola** |
|---|---|---|---|
| **Okwelula ensalo z`ettaka nga kikolebwa BFA** | Ogw`omunaana nga 28 – 1 ogw`omwenda omwaka 2017 | JOHN MUYISA sentebe wa BFA era ng`ayambibwako akakiiko ka BFA ak`okuntikko | Bannakibiina 38 aba BFA okwennyigira mu nteekateeka eno; bwebanaaba bamaliriza alipoota yakuweebwa David Balironda, ng`ono akulira eby`obulimi ku disitulikiti. NAPE eyogerezeganyemu ne CAO. |
| **Okupunta BFA** | 4 – 8 ogw`omwenda 2017 | DAVID BALIRONDA omujjulizi ye DAVID KUREEBA & EMMANUEL | Abalimi bonna 38 aba BFA okubeerawo. Alipoota eneeva mu kupunta enewebwa enjuuyi zonna. |
| **Akawunti za BFA wamu nokulaba engeri gyyebagabana mu ensimbi BFA** | 11-15 ogw`omwenda 2017 | NSAMBA DESIRE wamu n`akakiiko akafuzi aka BFA | Buli wa BFA okuggulawo akawunti mu banka era aleete olukalala lw`amannya wamu n`omutemwa gw`ensimbi ezamugerekerwa. Olukalala lw`amannyya okuweebwa Boaz Sserumanga akiikirira nanyini ttaka era kopi okuweebwa CAO, BIDCO, David Balironda ne ssentebe wa LC5 Willy Lugolobi. |
| **Okuwa buli mutemwa wamu n`okuwa abantu empapula ezikyusa okusinzira ku alipoota y`ebyava mu kupunta** | 18 -22 ogw`omwenda 2017 | Nanyini ttaka mu maaso ga BIDCO, abakiikiridde gavumenti, CAO, NAPE, n`ekibiina ky`obwanakyewa ekya Kalangala NGO Forum | Buli avunnanyizibwako okuteeka ekinkumu ku mpapula ezisaba obwannanyini era balage nga bwebafunye omutemwa gwabwe. |
| **Okwekkenenya wamu n`okulondoola ebikkoledwa** | 2 – 6 Ogwekkumi 2017 | **CAO** | CAO e Kampala ne Kalangala okutegeeza enjuyi zombi ku ebikoledwa wamu n`ebigaanye okutuukirizibwa nga kino kya kukolebwa . |
| **Eby`okuyiga** | 2 -6 Ogw`ekkumi 2017 | CAO | CAO okutegeka olukugaana olw`olunaku olumu kuby`okuyiga nga luno lw`akubeera mu abalala abavunanyizibwako kunsonga eno naye nga si ba BFA. CAO eggya ku bunnyisa ebibuuzo ebyenjawulo eri enjuyi zona nga bikwata ku mulimu nga bweguttambudde. |

*Bulikiwandiiko kyonna ekikwata kunsonga eno okisange kukibanja kya CAO*
*www.cao-ombudsman.org*